**20th August 2017.**

# OKUYITIBWA KWA MUSA.

**Okuva 2:23 -3:15.**

Omulundi ogwaggwa mu kusomesebwa kwaffe, twavaawo n'okusoomoozebwa eri obweetaavu bwaffe okuwuliriza eddoboozi n'okuluŋŋamizibwa kwa Mukama okwangu gyetuli, tuleme kubeera mu mbeera z'obumisiri emyaka emingi ko.
Nate ne tulaba obweetaavu bw'okubeera mu ddungu, tusobole okuyigirizibwa, okuleetwa okumanya Mukama, kitusobozese okuyitibwa Ye, okusinga okweetuminkiriza okutuukiriza okuyitibwa kwe, kwe tweewulira mu ffe.

Amakya ga leero mu kweyongerayo kwaffe, tulabe "Okuyitibwa kwa Musa", nga bwe twaasuubizibwa oguwedde, tusoma okuva we twaakoma mu ssuula 2:23-25 nti……
Wakati w'olunny. 22, n'olwa' 23 waliwo ebbanga lya myaka 40!!
Mu kiseera obufuzi mu Misiri mwe bwaakyuusibwa, kyokka engeri Abamisiri gye baayisangamu Abaebbulaniya mwe yeyongeranga obubi….Nti wadde baali tebakyatta baana ba bulenzi, baamatira okubakozesanga bonna, abasajja n'abakazi ng'abaddu, mu bukake, era obukambwe, ekyaaleetera Abaana ba Isirayiri okusinda n'okukaabira Mukama.
Mu Ezeekyeeri 20:5-9 zisoma nti………
Kwe ggamba nti bye baayitamu yali nsonga ya kiruyi kya Mukama, olw'obujeemu bwaabwe, baasinzanga ba katonda ba bamisiri, kyokka bwe baamukyuukira nebamukaabira yabasaasira era ng'enny.24 n'25 bwe zigamba…..
Si nti yali yeerabidde endagaano ye, kuba Mukama teyeerabira, okujjako kusalawo kwe okwerabira ebibi byaffe bwe tuby'enenya, naye nti lwe yasalawo okubaako kyakola olw'endagaano ye eri Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo era Isirayiri.
Omuddiŋŋano gw'erinnya lya Katonda, ne kubang'okutegeeza nti yali wa kubaako kyakolawo.

Essuula 3:1-5, we tulaba ensisinkano ya Mukama ne Musa ayitibwe….
Twaalabye nti emyaka, 40, Musa yali abeera ne mukoddomi, era nga ye yali alunda ekisibo kye, abawala, osanga bonna kaakano baali baatwaalwa dda, oba nga tekibeetaagisa kuba Musa yali asobola bulungi omulimu.

Naye nga kyaali kiseera nkiwa Musa mwe yabanga n'okufumiitiriza kungi. Ekiseera eky'omuddungu nga Mukama amukolamu omulimu gwe tutamanyiko, nga bwe kyaali eri Yokaana Omubatiza, bwe yalinga mu ddungu, nga tannatandika buweereza bwe, oba n'eri Paulo Omutume bwe yali yakakyuusibwa, kyayogerako mu Baggalatiya. Naye kiraga nti abalonde ba Mukama, beetaaga ekiseera eky'okuba ne Mukama, mw'alina obbakoleramu omulimu gw'okubateekateeka okutuukiriza okuyitibwa kwaabwe obulungi. Era mu kkyo, mwe tusobozesebwa okuwulira eddoboozi lye, tulitegeere bulungi, okulyaawula n'amaloboozi amangi, tusobole oggoberera obulungi ebiragiro bye gyetuli.
Era bwe tutuusibwa mu mmweetegereza, we tumusisinkana nga bwe gwaali eri Musa, bwe tusoma enny. 4,5. Ekifo omwaali ensisinkano tekyaatukuzibwa lwa kubeerawo kwa Mukama kyokka, wabula nti mwe yasisinkana Musa batabagane. Kubanga Mukama abeera buli wamu, naye ekifo ky'ensisinkano "meeting place", kyawulwa kuba kitongozebwa kussa ssira ku Yye, kaba kaseera katukuvu nnyo, ne byonna ebibaawo bigwaana mmuweesa kitiibwa, biba byaakutuukiriza kwagala kwe ku nsi nga bwe kukolebwa mu ggulu….
Ky'ava amugamba okuggyamu engato ze, ng'akabonero nti 'ebikutambuza bisse ku bbali, bireke, eby'obulamu bwo leka bireme kutabangula nsisinkano yaffe…'

Nny.6-15, tulaba Mukama nga yeyanjulira Musa, amumanye era amutegeere…
Lnny. 6…….Amweyanjulira……….
Nny.7-10…….Amutegeeza ensonga emuyisa…[abantu bange abaana ba Isirayiri]
Musa bwe yali afuba ku lulwe okubanunula yalowoozanga nti baali babe, naye olw'okuba nti ba Mukama, Kati amaanyi agabanunula mu Misiri ga Mukama.
Abantu ku bwaabwe tebaamanya nti Mukama yali alaba, era ng'awulira, ng'amanyi bye bayitamu……
Lnny.11.... Musa yaggwaamu dda, obusobozi bwe bwonna…..
Lnny.12…. Mukama amukakasa okubeeranga naye, era tuliraba mu maaso nga Musa kwe yasinziiranga okutambulira mu ddungu… Okubeerawo kwa Mukama.
"Golokoka Ayi Mukama, n'abalabe bo basaasaane….."
"Mukama bw'otogende naffe tetulina gye tudda……"
Nny. 13-15…… Musa ategeezebwa erinnya lya Mukama…..
Abantu ffe tumumanya nga eyaliwo, aliwo, era alibaawo, Ye "Ali Nga Bwali".
Takyuusibwa nga bwagamba nti " Yatakyuuka, Isirayiri ky'eva tezikirizibwa"
Ate ye Mukama akuuma n'atuukiriza endagaano……..